# »Nakavundira n‘ebigimusa by‘ebitooke«

Kubanga kirime ekyamugaso ekirina ekiriisa, omutindo n‘obungi bw‘amatooke binsizira ku ngeri gyegalimibwamu.

Ekitooke kirime ekikurira mu banga etono nga kimulisisza ku myezi 5 ku 6 mu nsuku z‘embala enyimi. Mu kiseera kino ebirungo ebyetagisa bibeera bimaze okusasaana mu kimera. Ebigimusa eby‘obutonde byebitekebwamu nga tonaba kusimba nga weyambisa ebigimusa ebyetabula mu mazzi era obeere nga omazze okutekamu ebigimusa webiwereza emyezi 7

## Ekozesa ya nakavundira

Ebigimusa obiteeka mu kinya ekyetolola ekikolo nga kisimibbwa ekigere kimu okuva ku kikolo, obikeko n‘ettaka era okumiremu obunyogovu obumala. Ebitooke byetaaga 216kg N, 130kg P, ne 270kg Kbuli yiika ekitegeeza ntin buli 1.5kg eza Nitrogen ne 200g ez‘ebirungo ebitali bikulu byebyetagiisa ku buli kikolo. Mu ttaka ely‘olunyo olwa waggulu, nga enkuba ettonya nyo, kozesa 0.5kg eza layimu (Lime) ku buli kikolo era okozese SSP ne MOP mu ttaka esabulukufu (alkaine soils). Obwetaavu mu biriisa bukyukakyuka okusnzira ku kika ky‘ekitooke.

Wabula okugimusa kulina okuba nga kuwedde webiwereza emyezi 7, era nga mukino, kyetaaga okutekamu buli luvanyuma lwa wiiki kuba kikendeeza kubyononeka. Ebigimusa obiziika n‘ettaka nga wetolooza ekikolo nga obissa mubuwanvu bwa kigere kimu okuva ku kikolo.Mu ttaka ely‘olunyo (acidic) nga lifuna enkuba enyingi, tekamu 75g eza SSP ne 600g eza Phosphate ava ku lwaazi ku buli kikolo nga osimba.

Okweyongerayo, ku naku 30 tekamu 50g eza Urea ne 50g eza MOP buli kikolo olwo ku naku 75, tekamu 90g eza urea , 50g eza DAP, 75g SSP ne 85g eza MOP buli kikolo. Nga biwezeza enaku

110 tekamu 115g eza urea, 50g eza DAP ne 85g eza MOP buli kikolo kyoka ate ku naku 150, tekamu 100g eza urea, 100g eza MOP buli kikolo. Nga empumumpu evaay, tekamu 100g eza MOP era omaleyo ebipimo ebisooka nga emyezi ena teginayitako era todamu kutekamu kirungo kya Nitrogen singa ebitooke bitandika okuleeta empumumpu. Osobola okufuwako ekigimusa ku bikoola bwekiba kyetagisa.

Oluvanyuma lw'enaku 15 nga omaze okusimba, tekamu 50g eza NPK mu bipimo bya 19:19:19 ate ku naku 30 otekemu 100g 19:19:19. 50g eza Zinc phophate, ne 25g eza Manganese phosphate buli kikolo. Ku naku 45 tekamu 150g mubipimo 19:19:19 buli kikolo kyoka ku naku 75 tekamu 200g eza amonium suphate, 200g SSP ne 100g MOP buli kikolo. Ebipimo byebimu obidamu ku naku 110 nekunaku 150 okuva lwebyasimbibwa. Ku naku 18, tekamu 100g eza MOP buli kikolo era oluvanyuma lwokuleeta empumumpu tekamu 2g eza calcium nitrate, 1g eya Boron nga obitabudde mu liita y'amazzi. Nga wayise enaku 10, tekamu 2g eza manganese nitrate , 1g eya Boron mu liita y'amazzi emu buli kitooke.

Okwongerako,tekamu 50g eza DAP ne 10g eza phorate ku buli kikolo nga osimba ate bwebikandika okusibuka tekamu 50g ez'ekigimusa ekitabule wamu ne 10g eza phorate buli kikolo. Ku mwezi gumu n'emyezi esatu, tekamu 300g ez'ekigumsa ekitabule wamu ne 10g eza phorate ku buli kikolo. Ku myezi 4 tekamu 100g eza urea, 100g eza MOP ne 10g eza phorate ku buli kikolo. Ku myezi 5,6 ne 7 tekamu 100g eza urea ne 100g eza MOP buli kikolo. Tegeka ekintabuli ky'ebirungo ebitono nga otabula Zinc sulphate, magnesium sulphate, ferrous sulphate ne copper sulphate. Ebirime biwe 100g ne doozi emu endala oluvanyuma lw'omwezi.